# Engeri gy'okuza omwana awa abantu ekitiibwa

**Famire**

Bya PETER SSUUNA

NAZZIKUNO omwana teyaddanga mu muntu mukulu, naye ennaku zino ng'enjogera bw'eri, omwana akuyisaamu eggaali n'akuvuma kyokka nga bw'omutunuulira omuzaala ne weebuuza ddala ensi etututte wa.

Omuyimbi Lord Fred Ssebatta yayimba nti, amaka g'abasomyeko ge gawomoggose, mu luyimba mulimu abaana abatawa bagenyi kitiibwa kyokka nga kigambibwa nti, kino bakiggya ku bazadde baabwe abeeyisa mu ngeri efaanana etyo.

Kino Nnaabakyala w'e Lubya Christine Nakkonde akinnyonnyola mu ngeri omuzadde gy'asobola okukuzaamu omwana waakiri n'atafaanana nga baana abo abakuba omugenyi akapiira mu mutwe n'okubazannyirako mu ngeri y'okujooga abayise.

Newankubadde bino obiwulira mu luyimba, kyokka ensangi zino be baana baliwo, abaana tebakyaweerako ddala bantu kitiibwa, akuddamu nga bw'ayagala nga tekyewuunyisa ne bw'aba muzadde we tekigaana kumujolonga.

Eky'okulabirako omuzadde asobola okugamba omwana nti, "Lwaki tolongoosaako wano? Addamu awatali kutya wadde nti, ggwe tolina mikono?" N'emize emirala mingi egikolebwa abaana b'ensangi zino.



Omuzadde ng'ayigiriza abaana emizannyo, nakyo kikulu mu ng'unjula y'omwana.



Nnaabakyala Christine Nakkonde.

EBIVAAKO EMBEERA ENO.

Nakkonde agamba nti, omwana awa oba atawa bantu kitiibwa akiggya mu maka ku bazadde, bano nga tebalina mpisa, tebasobola kukuza baana bawulize.

Eky'okulabirako nti, singa abafumbo balwana oba okwevuma ng'abato bawulira, olwo oba osomesa miti mito kyokka mu ngeri eteri ntuufu. Agamba nti, abaana balabira nnyo ku bazadde baabwe.

Kino akitadde ku mbeera ey'ensangi zino abazadde okukuliza abaana mu mizigo okuba nga teri kwekisize byonna bikolebwa ng'omuto awulira.

Mu masomero gye mutwala abaana, waliyo abatafa ku ng'unjula ya mwana okuggyako okunoonya ssente n'obubonero bw'okuyisa abaana ebigezo. Nakkonde agamba nti, kyalibadde kya buvunaanyizibwa omuzadde okwekkenneenya wa gy'atwala omuto okusoma.

Embeera y'ensi ekyuuse, mu nkola ya buli muntu ku lulwe ne Katonda ku lwa ffenna. Nazzikuno, omwana yakuzibwanga kyalo kyonna kyokka ennaku zino tokoona ku mwana wa muntu nga ne Gavumenti tekyakkiriza kubonereza mwana, agamba nti, kisse emigigi emito okukula nga mpaawo gw'awa kitiibwa olw'okubwa takubwako.

Nakkonde agamba nti, okumanya ensi eyonoonese, omwana akuyitako n'akukubira jjambo nti, "Ensula yo nnyabo" n'atambula n'agenda kyokka ng'edda, omwana yafukamiranga n'akubuuza bw'aba muwala ate omulenzi ne yeewombeka n'akubuuza mu ngeri y'okuwa abakulu ekitiibwa ekitakyaliwo kati.

Ekirala nti, ensi engeri gy'ekyuse, n'obufumbo bukyuse, kati omuntu kumpi awasa mu buli ggwanga ly'asanze ne wabaawo okwetabika mu mpisa ez'enjawulo. Oluusi zino zigendera ddala mu musaayi mu baana abazaalibwa abakula ng'empisa tebalina.

Okweyisa mu mpisa y'ekizungu nakyo kikoze kinene okutta empisa mu baana, omwana tabuuza ng'afukamidde olw'embeera gy'alaba mu bagwiira. Kino agamba nti, abantu balemereddwa okwawula enkulaakulana n'empisa bye batabise okutta enneeyisa entuufu naddala mu bato.

EBITEEKEDDWA OKUKOLEBWA

- Okudda ku nnono naddala okuyiga okuswala. Okuddamu okwalula abaana kuba kino nakyo kyayambangako.
- Abazadde okuyiga okugunjula omwana nga bwe kiba kyetaagisizza amuyisaako ow'embuya.
- Okugaba ebibonerezo ebisaamusaamu mu baana bw'aba asobezza okugeza osobola okumugaana okulya eky'okulya ky'asinga okwagala si nti, tomwagala naye okumukulizaamu empisa.
- Amasomero bw'olaba omwana atalina mpisa agobwe oba okuweebwa ebibonerezo.
- Gavumenti ne bannaddiini okukola emirimu gyabwe naddala okubuulirira abaana ssaako abazadde.
- Abaana omugenyi bw'aba azze genda fukamira omubuuze bulungi.
- Omuzadde, omwana atakutya abeera takuwa kitiibwa, so eng'unjula y'omwana esookerwako ateekwa okukutya.